


# Kamya ne ddole ya mwannyina

Eyobi Kitaw
Jesse Breytenbach

Luganda

African Storybook.org



Waaliwo omulenzi erinnya lye Kamya. Yeekolera ekigaali. Kamya teyalina muvuzi we kigaali kye ekipya.

Yagamba mwannyina Maria nti, "Njagala muvuzi w'ekigaali kyange. Nsaba ompe ddole yo. Esobola okutuula mu kigaali."




Naye Maria n'agamba nti, "Nedda, njagala ddole yange." Maria bwe yamugana kutwala ddole, Kamya yasunguwala nnyo. Yakwata ddole n’ajjisika.

Maria yasika omukono ogwa ddole omulala. Kamya yasika ne Maria n’asika. Omukono gwa ddole neguvaako!




Maria yakaaba n’adduka n’agenda ewa nnyina. "Laba Maama," bwe yagamba, "Kamya yasise omukono gwa ddole yange ne guvaako. Yabadde ayagala ddole yange etuule mu kigaali kye ekipya naye nga nze njagala kuzannya nayo."

Maama we n'agamba nti, "Kamya teyeeyisa bulungi."




Maama yalowooza ku ngeri gy’ayinza okuyigiriza mutabani we obutakwata ku by’okuzannyisa bya mwannyina. Yalina ekirowoozo.

Yagenda ewa mukwano gwe eyali omusawo n'amubuuza nti, "nsaba onnyambe." Omusawo n'addamu nti, "Nnyinza ntya okuyamba mukwano gwange?"



Maama n'addamu nti, "Mutabani wange Kamya ennaku zino yeeyisa bubi. Yaggya omukono ku ddole ya mwannyina. Ekyo tateekwa kukikola."

Enkya nja kumugamba nti... aleete ddole gy'oli oddemu okussaako omukono gwa yo nera."



"Nsaba ogambe Kamya nti alina okukusasulila emirimu gyo. Talina ssente, kale ojja kumugamba ayoze emmotoka yo ennene enkadde bulijjo ebeera n'enfuufu," maama bwe yagamba.

Mukwano gwe yaseka n'agamba nti, "Ee–ee! Ekyo kijja kuba kirungi."



Maama wa Kamya yaddayo ewuwe. Yabuuza Kamya nti, "Bw'oba mulwadde oba ng'olumizibwa ogenda wa?" Kamya n'addamu nti, "Bwe mba mulwadde oba nga nnumizibwa, nnina okugenda ew'omusawo."

Maama wa Kamya yagamba nti, "Walumiza ddole, kati olina ojjitwala ew'omusawo."



Bwatyo Kamya n’atwala ddole eri omusawo. "Ddole eno yalumizidwa nnyo. Maama yang'ambye nji kuleetele. Musawo osobola okujiwa omukono omupya?"

Omusawo yakkiriza okulabirira ddole. Yasobola okukola omukono omupya.



Omusawo n'agamba Kamya nti, "Ddole erina omukono omupya. Olina okunsasula. Olina ssente mmeka?"

Kamya n'addamu nti, "Nsaba musawo, sirina ssente. Sisobola kukusasulira emilimu gwo."



Omusawo n'agamba nti, "Kale! Tolina ssente? Emmotoka yange ennene nkyaffu nnyo! Yoza emmotoka yange era bw'otyo bw'onoonsasula."

Kamya yafuna baketi y’amazzi n’olugoye oluyonjo. Kyatwala ekiseera kiwanvu okunaaza emmotoka eyo enkyaffu.



Awo Kamya n’atwala ddole ewa Maria .Yasanyuka nnyo era n'agamba Kamya nti, "Oli Waluganda mulungi. Webale kuzawo ddole yange."

“Mwannyinaze, nsonnyiwa olw’okunyiiga n’okukunakuwaza,” Kamya bwe yagamba.



Okuva ku lunaku olwo, Kamya teyaddamu kutwala bintu bya mwannyina. Era yafuba nga bw’asobola obutadamu kumunyiiza.

Kamya yajjukira ebbanga lye kyamutwalira okunaaza emmotoka y’omusawo ennene era enkyaffu. Yasalawo nti kya bbeeyi okunyiiga n’okumenya ebintu.

Oli wa ddembe okuwanula, okukoppa, okuvvuunula oba okukyusakyusa emboozi eno n’okukozesa ebifaananyi kasita oba ng’ossaako mu ngeri eno wammanga.

# Kamya ne ddole ya mwannyina

**Omuwandiisi** -- Eyobi Kitaw
**Omukubi webifananyi** -- Jesse Breytenbach
**Olulimi** -- Luganda
**Omutendera** -- Ennyiriri ezisooka

© Ekitabo ky' Emboozi z' Afirika 2017
Ebiwandiiko ebiyiiya: Okuwandiika 4.0
**Ensibuko** www.africanstorybook.org

**2026.07.10**